

Ekitundu 5: Engeri y'Okufuna Obumu Obwa Nnama Ddala

Abaruumi 12:9-13

Enyanjula:

Lwaki Abakristaayo bangi abalungi era abeesimbu “basikattira mu by'omwoyo?” Baagala Katonda, baagala okukula, balabye ekigera ekimu eky'enkyukakyuka mu by'omwoyo, naye “bakoma,” ne batomera ekisenge eky'omwoyo. Emize oba endowooza ezimu zirabika nga tezikyuka. okufuba ennyo n'okuzza obuggya obweyamo bwaffe” kiwangaala okumala akaseera katono. Kiki ky'okola ng'osikattidde mu by'omwoyo?

Ennono: Ensigo esinga obulungi, mu ttaka erisinga obulungi, tesobola kukulira mu mbeera nkyamu.

- **EKIRAGIRO** kya Yesu kyetaagisa embeera ey'Omwoyo ey'enjawulo.

Yokaana 13:34-35

- **EKY'OKULABIRAKO** ky'obuweereza bwa Yesu okukulaakulanya abayigirizwa be kyali kyetaagisa embeera y'omwoyo eyenjawulo.

Makko 3:13-14

- **ENKOLA** y'Ekanisa eyasooka, n'okuba nga yakoma ku bantu etulaga nti waaliwo embeera mweyakolera.

Ebikolwa 2:42-47

EBYAFAAAYO by'Ekkansa, eby'edda n'eby'omulembe guno, bikakasa entabiro y'okukula kwomu mwoyo n'okukyuusibwa.

Entabiro y'okukula kwomu mwoyo: **OBUMU OBWA NNAMADDALA**.

Enkola eno ekolera: **MU BUBONDO**.

Enjawulo enkulu: **OBUMU OBWA NNAMADDALA** ≠ **OBUBONDO**.

Ennono: Tulina okwenyigira mu nkola y'eby'omwoyo ey'enkalankalira ey'obumu obwa nnamaddala okukula mu by'omwoyo okusobola okubaawo.

Ebibuuzo bibiri ebinene:

1. Obumu Obwa Nnamaddala bufanana butya?
2. Obufuna otya?

Obumu Obwa nnamaddala bulabisibwa nga....

Abaruumi 12:9-13

Gwe owa nnamaddala.

Olunyiriri 9

..asisinkana ebyetaago ebyaddala..

Olunyiriri 10

...ku lw'ensonga entuufu...

Olunyiriri 11

....mu ngeri entuufu.

Olunyiriri 12-13

Ggwe omutuufu – So si **EKIFANANYI** kyo.

Abaruumi 12:9

- Obwerufu – “Okwagala kubeere kwa bwesimbu.”
- Obulongoofu – “Mukyawe ekibi. munywerere ku kirungi.”

Atuukiriza ebyetaago ebya nnamaddala – So si ebyetaago **EBY'OKUNGULU**.

Abaruumi 12:10

- Okwewaayo – “Mu kwagala kw'ab'oluganda mwagalanenga mwekka ne mwekka.”
- Obwetoowaze – “mu kitiibwa buli muntu agulumizenga munne.”

Olw'ensonga entuufu – So si **KUSANYUSA** bantu..

Abaruumi 12:11

- Ekigendererwa – “abasanyufu mu mwoyo; nga mubeeranga baddu ba Mukama waffe.”
- Enkola – “Okuweereza Katonda okwa nnamaddala kulabibwa mu:
 - Obunyiikivu – Okukola obulungi
 - Okuyayana – Okwagala

Mu ngeri entuufu – Si mu **MAANYI** gaffe.

Abaruumi 12:12-13

- Okussa essira waggulu eri Katonda – “musanyukenga mu kusuubira; mugumiikirizenga mu bunaku; munyiikirenga mu kusaba.”
- Okussa essira ebweru waffe – “mugabirenga abatukuvu bye beetaaga; mwanirizenga abagenyi.”

Lwaki Obumu Obwa Nnamaddala bukulu nnyo eri Yesu?

²⁰“Sisabira bano bokka naye nsabira n’abo abanzikiriza olw’ekigambo kyabwe, bonna babeere bumu, nga ggwe Kitange bw’oli mu Nze, nange nga ndi mu ggwe, nabo babeerenga mu ffe, ensi eryoke ekkirize nga ggwe wantuma.

Yokaana 17:20-21

Wekebere:

1. Gabanako ne banno ku kiseera kye wafuniramu obumu obwa nnamaddala mu ngeri ey’amaanyi n’Abakristaayo abalala. (Kiki ekyakifuula eky’enjawulo ennyo gyoli?)
2. Nnyonnyola ekiseera obunnanfuusi bw’Omukristaayo we bwakwesittaliza. Lwaki kyakuluma nnyo?
3. Olowooza lwaki obumu obwa nnamaddala bukulu nnyo mu nkolagana? Mu kukoma ku balala?

4. Njawulo ki eri wakati wa “ebyetaago ebya nnamaddala”
n’eby’okungulu? Ekigendererwa kikola kitya mu kutuukiriza ebyetaago
“ebya nnamaddala”?

5. Ddaala ki ely’enjawulo ely’okukkiriza oba ely’obwetowaze ly’ewetaaga
okutwala okuzimba obumu obwa nnamaddala ku lulwo oba eri
omuntu omulala okusobola okuba eky’okuddamu eri essaala ya Yesu
mu Yokaana 17?